# Abayizi 2 bafudde ku ssomero

Bya FATUMAH NALUBEGA NE LYDIA NAKIGULI

ABAYIZI babiri bafudde nga baakatuusibwa mu ddwaaliro, ekirese abazadde nga tebamatidde ku nfa yaabwe.

Bino byabadde Nabweru Cell I mu divizoni y'e Nansana, omwana Majorine Nantumbwe 15 ng'abadde asoma S.2 ku Amahoro Secondary School e Matugga Kiryagonja bwe yafudde ng'abazadde baakamutuusa awaka oluvannyuma lw'okulwalira ku ssomero okumala wiiki ssatu.



Majorine eyafudde



Omugenzi Kigula

Maama w'omwana ono mu maziga, yategeezezza nga muwala we bwe yali aludde ng' amukubira essimu amunone ku ssomero wabula bwe yayogera n'ab'essomero ne bamugaana okumunona.

Nassolo agamba nti, yagenda ku ssomero n'asanga ng'omwana we takyategeerekeka nga yazimba olubuto, ajjudde amabwa ku mutwe ne ku kabina ekiraga nti, yakubwa emiggo. Yamututte mu ddwaaliro lya Ssebi n'afiira ku mulyango nga bamutwala mu kasenge ka sikaani. Nantumbwe yaziikiddwa e Kabaale- Bugonzi mu Masaka.

Omuyizi omulala, ku ssomero lya St. George Wakiso yafiiridde mu ddwaaliro gye yatwaliddwa okujjanjabwa. Keith Kigula abadde asoma S4 ye yafudde oluvannyuma lw'essomero okutegeeza bazadde be nti, yabadde ava kusamba mupiira ne banne akawungeezi n'awulira nga teyeewulira bulungi kwe kumutwala mu ddwaaliro erimu gye yafiiridde.

Kigula mutabani wa Stephen Luggya ab'e Lwamata mu Ssingo. Luggya yategeezezza nti, baabakubidde essimu nti, mutabani waabwe afunye obuzibu ng'ava ku kisaawe okusamba omupiira era bamutwala mu ddwaaliro, wabula waayiseewo eddakiika nga 20 ne babategeeza nti, afudde. Kigula yaziikiddwa e Lwamata mu Ssingo.